
مكتب الدعوة والإرشاد بالمعذر وأم الحمام



باللغة اللغندية

# EMITEEKO GYA TAWUHIID

# أقسام التوحيد


KIWANDIIKIDDWA: ABDULHAKIM SENYONGA

KY'EKENNEENYEZEDDWA: ABDULHAKIM AUSI MAKAYI

اعداد: عبد الحكيم سينيونغا

المراجع: عبد الحكيم أوس ماكاي



المكتب التعاوني للدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات بالمعذر وأم الحمام



Scanned with CamScanner

الحمد لله رب العالمين والصلاة والسلام على رسول الله صلى الله عليه وسلم وبعد:

Bismillah arrahman arrahiim, alhamudulillahi rabbil alamiina ,waswalat wassalaamu ala rasuuli llahi wabadi:

Nsooka okwoogera kulinnya ly'akatonda omusaasizi asaasira abamukkiriza n'abatamukkiriza kuno kunsi ,ow'ekisa ekingi ajja okusaasira ab'amukkiriza bokka kulunaku lw'enkomerero,

Amatendo gonna g'akatonda omulezi w'ebitonde byonna,musaba asse okusaasira n'emirembe kumubakawe Muhammadi okusaasira n'emirembe bimubeereko, wamu ne bamaswahaba be bonna, n'oluvanyuma ly'ebyo:

Twaagala okusomesa kunsonga ekwaata ku tawuhiid nga tugiyogerako mubufunze , mungeri yakibuuzo na kwanukula bweetuti:

1) Bwe bakubuuza nti , emiteeko gya tawuhiidi giri emeka? Amakulu okwaawula katonda kulimu

emiteeko emeka?

Oddamu nti: 3

1, Okwawula Allah mubulezibwe "Tawuhiid rubuubiyah"

2,Okwawula Allah mukusinza " Tawuhiid al-uluuhiyah"

3,Okwawula Allah mu mannyage n'ebitendo bye "Tawuhiid al-asim waswifaati".

2), Bwe bakubuuza nti Tawuhiid rubuubiyah kyekki?



Scanned with CamScanner

Oddamu nti :

Kwe kumanya n'okukakasa nti mazima ddala katonda "Allah" yemulezi wabuli kintu, era yemutonzi w'abuli kintu,era yennanyini wabuli kintu, era yemukyuusa kyuusa wabuli mbeera z'abitonde bye byonna byonna.

Mukunnyonnyola okugazi tuba tugamba nti tawuhiid ono Kwe kwaawula katonda nga osinziira kubintu bye yatonda , nokakasa nti mazima teri kiyinza kutonda bintu bifaanana nga katonda bye y'atonda.

3,)Bwe bakubuuza nti katonda yatonda bintu nga ki?

Oddamu nti:

Ebiri kunsi ne muggulu , ekyokulabirako ,yatonda omuntu , eggulu, enjuba, omweezi , emunyenye, enyanja, emiti, ensozi nebintu ebirala bingi, nga katonda bw'agamba mu quran "Katonda ye mutonzi wa buli kintu" sulat al-zumara aya 62

{اللَّهُ خَالِقُ كُلِّ شَيْءٍ .... (٦٢)} [الزمر: ٦٢]

Ye katonda eya tutonda, oluvanyuma natugabirira,oluvanyuma atutta, oluvanyuma ajja kutuzuukiza kulunaku lwamazuukira , nga bwekiri mu quran sulat al-ruum aya 40

"اللَّهُ الَّذِي خَلَقَكُمْ ثُمَّ رَزَقَكُمْ ثُمَّ يُمِيتُكُمْ ثُمَّ يُحْيِيكُمْ ..." [الروم: ٤٠]

Nga katonda atutegeeza nti : "katonda y'oyo eyabatonda,oluvannyuma n'abagabirira, oluvannyuma n'abatta , n'oluvannyuma ajja kubazuukiza..."

4)Bwe bakubuuza nti : okumanya katonda nti ye



Scanned with CamScanner

yatonda buli kintu kikumala okubeera omukkiriza oba oli musiraamu?

Oddamu nti:

Nedda , okumanya nti katonda yeyatonda ebintu ebiri munsi ne muggulu tekimala kukufuula musiraamu oba omukkiriza , kubanga ekyo kimanyikiddwa buli muntu , kyamubububumbwa, olaba ne sitaani naye akimanyi ,ne falaawo eyeeyita katonda kumulembe gwa Nabbi Musa okusaasira kwa katonda kumubeereko naye akimanyi nti waliyo katonda eyatonda ensi ne ggulu , nga katonda bw'agamba mu quran sulat al-ankaabuut aya 61.

"وَلَئِنْ سَأَلْتَهُمْ مَنْ خَلَقَ السَّمَاوَاتِ وَالْأَرْضَ وَسَخَّرَ الشَّمْسَ وَالْقَمَرَ لَيَقُولُنَّ اللَّهُ ..." (٦١) } [العنكبوت: ٦١، ٦٢]

Nti : "Era nebwoobuuza nt i ani yatonda eggulu ne ensi natambuza enjuba nomweezi baba baddamunti Allah..." Naye ate bambi bwomala okutegeera nti katonda ye yatonda ebintu byonna , ekyo kikuyamba okutegeera nti oyo eyatonda ebintu byonna munsi ne muggulu yaaba asaanira okusinzibwa yekka yekka kubanga ebintu ebisigadde byonna abantu byebasinza bitonde bya katonda , era tebisaana kusinzibwa.

5) Bwe bakubuuza Tawuhiid Al-uluuhiyah kyekki?

Oddamu nti:

Kwekwawula katonda mu kumusinza yekka yekka nga tomugattako. Mukunnyonnyola okugazi tuba tugamba nti tawuhiid ono: Kwe kwaawula katonda nga osinziira kubintu abantu byebakola nga babikolera katonda yekka yekka nga bayagala abasiime era babeere bakumwanjo nnyo eri mukama katonda nga bakola emirimu ejo katonda gyeyabalagira mu quran oba mu hadith zomubakawe Muhammadi okusaasira



Scanned with CamScanner

n'emirembe bimubeereko . Omuntu buli ky'akola nga akikola ku lwa katonda nga tagattamu kukikola lwakintu kirala okujjako Allah nga oyagala Allah akusiime era akuweemu empeera ennungi.

6) Bwe bakubuuza nti mirimu nga kki omuntu gyaalina okukolera katonda yekka yekka?

Oddamu nti :

Emirimu mingi omusiraamu gy'akola nga alina gikolera Allah yekka , wabula nkuwaako ebyokulabirako nga okusaala, okusiiba,okweetooloola kaaba e makkah ,okusaba edduwa ,okusala ebisolo , okw'eyama "okw'etema naziri", okusaddaaka, okweekingiriza ebizibu,okusaba obuyambi wamu n'obukuumi, okw'esigamira ,okutya, okusuubira, n'ebirala bingi nnyo, nga obikola nga obizza eri katonda yekka nga

tomugattako kintu kirala kyonna, eyonno yensonga eyatutondesa tujje kuno kunsi tubeere nga tusinza katonda nga tumwaawula nga tetumugattako kintu kirala kyonna kubanga katonda yagamba saatonda majinni nabantu okujjako lwakubeera nga banjawula mukunsinza , nga tebangattako kintu kirala nga bwekiri mu quran sulat al-dhariyat aya 56

{وَمَا خَلَقْتُ الْجِنَّ وَالْإِنْسَ إِلَّا لِيَعْبُدُونِ} [الذاريات: ٥٦]

Nga katonda atutegeeza nti : "satonda majinni na bantu okujjako lwakubeera nga bansinza" amakulu kubeera nga bamwaawula mu kumusinza nga tebamugattako kintu kirala bwebaba bamusinza .



Scanned with CamScanner

Nga nokusinza katonda kigambo kigazi kibuna buli kantu konna katonda k'ayagala era k'asiima , nga mubigambo, oba mu bikolwa, eby'okungulu ne eby'omunda kati okusaala kikolwa kirabika , ate obukkiriza bubeera bwa munda mumutima gwa muntu, okwaagala kubeera munda, okutya kubeera munda ebyo byonna omuntu alina kubikola nga abikolera katonda yekka nga tagattamu bitonde , kubanga ebyo ebikolwa kubeera kusinza mutonzi wabitonde .

Era bwomugattako ekintu ekirala okugeza n'osaba emikisa ekitali katonda , oba nosaba katonda nga ate bw'osaba nebintu ebirala ebitali katonda , okugeza nga amasitaani, awo obeera okoze ensobi ennene era ekujja ne mu busiraamu , katonda n'asazaamu n'emirimugyo

bulijjo gy'okola , kubanga ekyo kuba kugatta ku katonda kyebayita " shiriki" ate shiriki omunene .

Kunsonga ya tawuhiid owomuteeko guno yensonga enkulu lwaaki katonda yatonda abantu namajinni kubeera nga bamusinza yekka yekka obutamugattako kintu kirala, nga bwetukirabye waggulu awo era y'ensonga lwaaki katonda yatuma ababaka , nabawa nebitabo nga birimu okunnyonnyola ensonga eno, era tewali mubaka yenna okujjako nga yagamba nga abantu bebamutumyeemu nti babeere nga basinza katonda omu yekka nga tebamugattako kintu kirala nga teri nabbi yenna ataagamba bantu be kwaawula katonda mu kumusinza , nokweewala okusinza ebitali katonda , nga katonda bw'agamba mu quran sulat al-nnahali aya 36 ,

{ وَلَقَدْ بَعَثْنَا فِي كُلِّ أُمَّةٍ رَسُولًا أَنِ اعْبُدُوا اللَّهَ وَاجْتَنِبُوا الطَّاغُوتَ...} [النحل: ٣٦]



Scanned with CamScanner

Nti: " mazimaddala twatuma mubuli mulembe omubaka abeere nga ategeeza abantu okusinza katonda nga bamwaawula obutamugattako kintu kyonna mukumusinza era babeere nga beewala ebintu ebisinzibwa ebitali Allah .Twaaguuti bye bintu ebisinzibwa nga bitwaaliramu buli kintu ekisinzibwa ,kati nga ebintu ebyo byonna bijja kwookyebwa mumuliro , wamu nabantu abalinga babisinza , nga kati abasinza Isa oba yesu ye aba tajja kwookyebwa kubanga bamusinza ye tabakkirizza kumusinza, era ye aba tayitibwa Twaaguuti kubanga takkiriziganya nakyaakumusinza.

Era ne mu sulat al-ambiya aya 25,

{وَمَا أَرْسَلْنَا مِنْ قَبْلِكَ مِنْ رَسُولٍ إِلَّا نُوحِي إِلَيْهِ أَنَّهُ لَا إِلَهَ إِلَّا أَنَا فَاعْبُدُونِ} [الأنبياء: ٢٥]

Nga Allah atutegeeza nti : "tetwaatuma mubaka yenna nga gwe tonajja okujjako nga twamussaangako obubaka gyaali nti mazima ddala teri kisinzibwa mubutuufu okujjako nze, n'olweekyo munsinzengaa", ekitegeeza nti mubeere nga okusinza kwammwe kwonna mukukolera nze nzekka , nga temungattako kintu kirala.

7) Bwe bakubuuza nti Tawuhiidul-asima wa swifaati kyekki?

Oddamu nti:

Kwekubeera nga katonda tumutenda n'ebitendo by'eyetenda nabyo, oba n'ebitendo omubakawe Muhammadi okusasira kumubeereko byeyamutenda nabyo , ebitendo ebijjuvu ,ebigulumiza katonda ,nga tomufananyizza bitonde bye wadde okukyuusa amakulu g'ebitendo bya katonda. Mukunnyonnyola okugazi tuba tugamba nti tawuhiid ono: Kwekwaawula katonda nga okkiriza nti alina amanya amalungi n'ebitendo ebijjudde by'atendebwa nabyo, era talina kutendebwa nabitendo birimu bukendeevu wadde obunyoomoofu oba



Scanned with CamScanner

okukkakkanya, era talina kuyitibwa manya g'ataatubuulira mu quran oba mu hadith z'omubakawe Muhammadi okusaasira n'e mirembe bimubeereko , nga era bwetutalina kumufaananya kintu kyonna mubitonde bye , tetwongeramu wadde okukendeeza , nandiki okukyuusa amakulu gebitendobye, awamu n'obutabuuza nkola y'abitendo bye , ekyokulabirako katonda awulira era alaba naye okulaba okwo okumugwaanira mubwa katonda bwe, nabweekityo

alaba okulaba okwo okumugwaanira mu bwa katonda bwe , kubanga talina kimufaanana mubitonde bye, nga bw'atugamba mu quran sulat ashuur aya 11,

{...لَيْسَ كَمِثْلِهِ شَيْءٌ وَهُوَ السَّمِيعُ الْبَصِيرُ} [الشورى: ١١]

Nga Allah owekitiibwa atutegeeza nti: "tewali kintu kifaanana nga ye, era awulira era alaba" , naye okulaba kwa Allah tekufaanana kwabitonde bye, era okuwulira kwa Allah tekufaanana kwabitonde bye , era Allah yagamba ne mu sulat al-ikhiras aya 4

{ وَلَمْ يَكُنْ لَهُ كُفُوًا أَحَدٌ} [الإخلاص: ٤]

"Era Allah talina kintu kyonna kyenkana nkana naye wadde nekimu" .

Zonna ayaat ezo zitutegeezezza nti katonda talina kimufaanana. Katonda talina kimufaanana mubitonde bye, yayawukana mubwa katonda bwe teyeebaka , tasumagira, takoowa, ate nga ebitonde byeyatonda byo byeebaka era nga omuntu bwaaba teyeebaka kaba kamogo , nabwekityo omuntu bwaaba tazaala kaba kamogo , naye kyokka ku katonda tekaba kamogo kubanga ye yayawukana kubitonde bye byeyatonda nga bwatutegeeza kunsonga yobuteebaka mu Quran sulat al-bakara aya 255,



Scanned with CamScanner

{...لَا تَأْخُذُهُ سِنَةٌ وَلَا نَوْمٌ...} [البقرة: ٢٥٥]

Nga Allah atutegeeza nga :" takwaatibwa kusumagira wadde otulo". Nga kiba kitegeeza nti katonda okubeera nga asumagira oba yeebaka ako kaba kabonero k'abukendeevu , atenga katonda talina bukendeevu mubuli kintu yayawukana omutonzi weggulu ne nsi

kubintu abantu byebamugattako , ne bye bamufaananya

Era katonda oweekitiibwa tazaala nga bw'atugamba mu Quran sulat al-ikhiras aya 3

{لَمْ يَلِدْ وَلَمْ يُولَدْ} [الإخلاص: ٣]

Nti :" tazaala era teyazaalibwa".

8)Bwe bakubuuza nti yogerayoko ku bitendo bya katonda ,

Oddamu nti :

Katonda atendebwa n'ebitendo ebyenjawulo okugeza ekitendo eky'obulamu, eky'obumanyi,eky'okuwulira, eky'okulaba,eky'obugabi,eky'okwaagala, eky'obusobozi kubuli kintu kyonna munsi ne muggulu,eky'okwoogera katonda ayogera ekyokulabirako yayogera nga ne Nabbi Musa olwoogera nga bwatunyumiza mu Quran sulat al-nisa aya 164

{...وَكَلَّمَ اللَّهُ مُوسَى تَكْلِيمًا } [النساء: ١٦٤]

Nga Allah atutegeeza nti : "katonda yayogera ne Nabbi Musa olwoogera".

,katonda alina emikono,katonda alina ekyenyi, n'ebirala ebitendo bya katonda bingi.

9) Bwebakubuuza nti yogerayooko ku manya ga katonda amalungi nenkozesa yaago nga tusaba katonda nga tukozesa amanya ge.

Oddamu nti:

Amanya gali 99 naye nkuwaako wano matono : Allah, Al-rahman, Al-rahiim, Al-malik , Al-ssalaam, Al-aziizu, Al-



Scanned with CamScanner

jabbaar, Al-khaaliq..... namalala mangi, era bwetuba tugakozesa nga tusaba katonda tugamba bweetuti:

Ayi Allah omusaasizi nkusaba onsaasire.

Ayi Allah omusonyiyi nkusaba onsonyiwe.

Ayi Allah owaamanyi nkusaba onyambe kubanga nze ndi munafu onzijirewo ekizibu ekinnemeredde.

Nga tumaliriza tusobola okufunza ensonga za tawuhiid bwetuti:

Tawuhiid alimu emiteeko 3: Omuteeko gwa tawuhiid ogutunnyonnyola ebikwaata ku katonda nga bwaali nti ye mutonzi wabuli kintu kyonna ekiri munsi ne muggulu , ne wansi muttaka, ne mubbanga wakati weggulu ne nsi, yakyuusa kyuusa embeera y'abuli kintu , teri ayinza kutonda nga katonda bwe yatonda ,teri kitonzi okujjako Allah, teri kigaba bugagga na byanfuna okujjako Allah, teri kiwa bulamu okujjako Allah, teri atuusa ntuuko ya muntu n'afa okujjako Allah eby'o by'eyawulidde Allah yekka nga kati singa omuntu ayagala okkubuzaabuza oba shaitwani eyagala okkubuzaabuza nokkulimba nti Allah siyaagaba , oba ekintu ekimu kubino byetuwaddeko nga eby'okulabirako eby'eyawulidde Allah olina okubeera omunyweevu notakola nsobi. oyo ye tawuhiid al-rubuubiya mubufunze.

Omuteeko gwa tawuhiid ogutunnyonnyola lwaaki katonda yatutonda , era natuma ne bannabbi bajje bategeeze abantu katonda by'ayagala tumukolere nga tumusinza era waleke kubeerawo muntu kulunaku lwamazuukira y'ekwaasa nti teyamanya ,nga katonda bw'agamba mu Quran sulat al-nisa aya 165

{رُسُلًا مُبَشِّرِينَ وَمُنْذِرِينَ لِئَلَّا يَكُونَ لِلنَّاسِ عَلَى اللَّهِ حُجَّةٌ بَعْدَ الرُّسُلِ وَكَانَ اللَّهُ عَزِيزًا حَكِيمًا} [النساء: ١٦٥]



Scanned with CamScanner

Nga Allah atutegeeza nti :"Ababaka ababuulira amawulire agasanyusa era nebitiisa , baleme abantu okubeera nga tebalina nsonga yonna kukatonda gyebeekwasa oluvanyuma lwababaka , era katonda wa kitiibwa era wa magezi".

Katonda yatuma ababaka abenjawulo babeere nga babuulira abantu okwaawula katonda nga bamusinza yekka yekka, era katonda n'atulagira okugoberera ababaka bye b'atugamba kubanga babeera bali kubulunggamu obuva ewa katonda . ababaka batuyigiriza okwaawula katonda nga tumusinza , n'okumweetowaliza, n'okumwaagala , n'okuddanga gy'ali nga tumusaba obuyambi mubintu ebyenjawulo,nga tulina okusuubira eri katonda ebirungi ate wamu n'okubeera nga katonda yekka gwe tulina okutya okututuusaako ebigezo wamu n'emitawaana nga tetulina mulala yenna gwe tulina kutya okujjako Allah. Oyo ye tawuhiid al-uluuhiya mubufunze.

Omuteeko gwa tawuhiid ogutunnyonnyola amannya ga katonda wamu n'ebitendo by'atendebwa nabyo ebirungi era ebijjuvu ,nga wano tuyigirawo nti Allah alina amanya wamu n'ebitendo nga yabitubuulira mu Quran , oba mu hadith za Nabbi Muhammadi okusaasira kubeere kuye, nga tugakakasa nga tetugakendeezezza wadde okugongerako, ate ebitendo bye tetubigeraageranya naby'abitonde bye .

By'ebyo mubufunze ebikwaata ku tawuhiid owe miteeko esatu. Abeera ayagala okumanya ebisingako awo mbeera nga nkugamba nti buuza imam wokumuzikiti



Scanned with CamScanner

gwo kubanga bino ebigambo by'eddiini buli muntu olina okubeera nga omanya ebikwaata ku katonda wo , okumanya okutuufu.

Nsaba Allah atusaasire tubeere nga tubifunamu eky'okuyiga , tubisomese n'abaana baffe bakule nga bamanyi eddiini yabwe.

Katonda y'asinga okumanya era musaba asse okusaasira n'emirembe ku mubakawe muhammadi wamu ne ba swahaba be bonna bonna.


موقع المكتب على
Google خرائط

الحساب العام
SA 21 8000 0251 6080 1007 5881
حساب الوقف
SA13 8000 0251 6080 1017 7778

+966 11 488 4496
+966 11 482 7489
+966 55 0886 610
info@yaqeenweb.com
yaqeenweb
www.yaqeenweb.com




Scanned with CamScanner